# ALL NATIONS GOSPEL PUBLISHERS





www.angp-hb.co.za

info@angp.co.za

*LUGANDA Heart Book*

# OMUTIMA GW'OMUNTU

Copyright ANGP

**COPYRIGHT**

ISBN 0 - 908367 - 14 -7

E-MAIL: info@angp.co.za
**ALL NATIONS GOSPEL PUBLISHERS**
P.O. Box 2191, PRETORIA, 0001, R.S.A.
(A Gospel Literature Mission financed by donations)
(Reg. No. 1961/001798/08)

# Omutima Gw'omuntu

Buli muntu yenna akola ekibi, akola n' obujeemu; era ekibi bwebujeemu. Era mumanyi ng'oyo yalabisibwa era aggyeewo ebibi; nemuye temuli kibi.

Buli muntu yenna abeera muye takola kibi, buli muntu yenna akola ekibi nga tamulabangako, sso tamutegeera.

Abaana abato, omuntu yenna tabakyamyaanga; akola obutuukirivu ye mutuukirivu, nga ye bwali omutuukirivu.

Akola ekibi wa Sitani; kubanga okuva ku luberyeberye Sitani akola ebibi. Omwana wa Katonda kyeyava alabisibwa amalewo ebikolwa bya Sitani.

Buli muntu yenna eyazalibwa Katonda takola kibi, kubanga ensigoye ebeera muye; sso tayinza kukola kibi, kubanga yazalibwa Katonda.

Ku kino abana ba Katonda n'abaana ba Sitani kwe balabikira; buli muntu yenna atakola butukirivu ssi wa Katonda, newakubade atayagala mugandawe. (1 Yok. 3:4-10).

Ekitabo kino si kiggya, naye emyaka ebikumi bibiri giyiseewo kasokede kirabika mu nsi eya Falansa edda, era abantu bańgi bafuna omukisa nga bayambibwa mu kusoma ebigambo byakyo. Kifanana endabirwamu ey'omwoyo abantu bwebatunuliramu beraba n'embera yabwe mu bulamu bwabwe obw'omwoyo, era bweberaba n'engeri y'emitima gyabwe, benenya nebasaba nebafuna emitima emigya n'emyoyo emirongofu munda.

Era nawe, omusomi, ng'osoma mu kitabo kino, oyinza okulaba ekifananyi kyo, Katonda nga ye bwakiraba, newakubade oli mukafiiri oba omukristayo era oba omutakkiriza oba omuntu

Copyright ANGP

eyagwa. Katonda tasosola mu bantu, naye akebera emitima gy'abantu bona. (Yer. 17:10).

Sitani ye kitawe w'obulimba, n'Omukulu w'ensi n'omulangira w'ekizikiza. (Yok. 8:44-45; 14:30; 16:11). Yekyusa afuuke nga Malayika ow'omusana, naye ssi wamusana, newakubade abantu abamu basiima okumulowoozako bwebatyo. Nga edda, bwe waaliwo abatume abalimba, era ne munnaku zino webali, era n'abakozi abakuusa, abefananya ng'abantu ba Kristo. (2 Kol 11:3).

Sitani ye mukulu ow'emirembe gino, azibeenga amaaso g'amagezi g'abantu, nolwekyo abo abamwesiga, tebayinza kulaba okwagala kwa Katonda newakubade ekitibwa kye, era tebakkiriza Omulokozi wabwe, Yesu Kristo. (2 Kol. 3:4).

Abantu abo, wabula amaso gabwe nga gazibulwa, nebategeera embera ey'obulamu bwabwe, tabalirema okugwa mu bunya obw'okuzikirira. (Zab. 55:24).

Copyright ANGP

Omuntu eyegamba nti Sirina kibi yekyamya yekka sso nga n'amazima tegali muye. (1 Yok 1:8). Bwetwatula ebibi byaffe, ye wamazima era omutukirivu okutusonyiwa ebibi byaffe, n'okutunaazaako byona ebitali byabutuukirivu.

Nawe ggwe ofugibwa Sitani, oba Katonda? Oli omuddu w'ekibi oba omuwereza wa Katonda? Obanga oli muddu wekibi kikugwanira okabirirenga erinya lya Katonda. Olokoke. (Bal. 10:13). Katonda alindirira okukusumulula akufule ow'eddembe mu Yesu Kirsto, eyakka munsi alokole abalina ebibi n'okumalawo ebikolwa bya Sitani byona. (1 Yok. 3:8).

Yesu yekka ye mununuzi waffe Kakano gwe, oli mu maso ga Katonda amanyi emitima gya bantu bonna n'ebigambo byebagala, era atakisibwa byaama byona. Ye ategera buli kirowozo, era awulira buli kigambo era alaba buli kikolwa mu bulamubwo, tekiyinzika okwekweka mu maso ga Katonda. Kubanga eyatekawo okutu, taliwulira? Eyabumba eriso taliraba? (Zab.

94:9). Amaso ga Katonda gatunulira amakubo g'omuntu, era alaba okutambula-kwe kwona, tewali kizikiza newakubade ekisiikirize eky'okufa abakola obutali butuukirivu webayinza okwekweka. (Yob. 34:22),

Yesu nate abeyabizamu kubanga yategeera bona, era teyetaga muntu yena okutegeza eby'abantu kubana ye yenyini yetegeera ebiri mu bantu. (Yok. 2:25). Amaso ga Katonda gatambula-tambula eruyi n'eruyi okubuna ensi zona okweraga bwali awamanyi eri abo abalina emitima egitukiride gyali. (2 Byom. 16:9). Kale awereddwa omukisa Mukama gwatabalira butali butuukirivu ne mu mwoyo gwe temuli bukuusa. (Zab. 32:1-2 Era soma Zab. 51).

Leero, Yesu akyagamba nti, Mujje gyendi, mwe mwena abakooye era abazitoweredwa, nange nabawumuza. (Matt. 11:28).

Copyright ANGP

# AMAKULU G'EBIFANANYI

## EKIFANANYI EKY'OLUBERYEBERYE

Ekifananyi kino kiraga omutima gw'omuntu ow'ensi atannaba kuzalibwa omulundi ogw'okubiri, ayogerwako mu Baibuli nti Omuntu eyalina ebibi, kwe kugamba nti, afugibwa n'omwoyo era n'okwegomba kwomubiri.

Ekifananyi kino kyamazima kitutegeeza embera y'omutima gw'omuntu Katonda nga ye bwagulaba, era amaso g'omuntu ono gali nga agomutamivu nga bwetusoma mu Baibuli, nti ani alaba obuyinike? Ani alaba enaku? Ani alina enyombo? Ani alina okwemulugunya? Ani alina ebiwundu eby'obwerere? Abo abalwawo ku mwenge, abo abagenda okunonya omwenge omutabule. Totunuliranga mwenge gumyuse, bwegwolesaanga ebbala lyagwo mu kikompe, bwegukka empola. Enkomerero guluma ng'omusota, gusonsomola ng'embalasasa. Amaso galiraba eby'ekitalo, n'omutima gwo gulyogera ebigambo eby'obubambavu. (Engero 23:29-33).



Copyright ANGP

**1. OMOTIMA GWOMWONONYI**

Wansi w'omutwe, omutima gwalabika nga guli kisulo ky'ensolo ezengeri ezitali zimu ezitegeeza ebibi ebyo ebirimu, kubanga omutima kyekifo kyabyo nga Yesu bweyagamba, nti munda, mumitima gy'abantu muvamu ebirowozo ebibi obukaba, okubba, okutta, obwenzi, okwegomba, obubi, obukuusa, obuluvu, eriso ebbi, obuvvoozi, amalala, obusiru, ebibi byona biva munda n'ebyonona omuntu. (Mako. 7:21-23).

**1. MUZINGE** yenyonyi enungi okugitunulirako naye etambula n'amalala era wano mu mutima gw'omuntu etegeeza ku kibi eky'amalala. Edda Sitani yali Malaika Omukulu ennyo owa Katonda, era ow'omusana, naye yagwa olw'amalala, nafuuka omulabe we. (Ezek. 28:12-17; Isay. 14:12-14).

Tusoma mu Ngero 6:16-17, nti waliwo ebigambo mukaaga Katonda byakyaawa era ekimu kubyo ge-maaso ag'amalala. Ate alwana n'abamalala, naye abawombefu abawa omukisa. Amalala gava mu bunya obwa Geyena, negalabika mu ngeri nyingi.

Abantu abamu benyumiriza olw'obugagga bwabwe n'amalala olw'enjigirizibwa yabwe, n'abamu mubyambalo n'ebyobuyonjo eby'ensi eno n'ebintu byabwe nga bwetusoma mu. (Isaya 3:24). Abalala nebenyumiriza olwekika kyabwe n'eggwanga lyabwe oba empisa n'embera yabwe, era n'enzannya, n'ebirala. Sulemani yawandiika ebigambo bingi ku kibi kino eky'amalala, soma Engero 8:13; 16:18).

**2. EMBUZI ENSAJJA** ye nsolo ewunya ennyo obubi, enegombi, era mu mutima yetegeza okwegomba kw'omubiri, obugwagwa, obwenzi, ne bibi byona ebifanana nga ebibi bino by'eyongera nnyo mu naku zino, era kulwekyo tuyinza okukakasa ebigambo bya Yesu, bweyagamba nti Enaku ezoluvanyuma zirifanana eza Sodomu ne Gomola bwebyazikirira.

Ebibi bino byeyongedde nnyo mu naku zino, abasajja n'abakazi bangi bakwatibwa n'ebyo era biyingidde mu maka gabantu ab'eddini, nemumasomero ne mu bisulo by'abana babwe.

Copyright ANCP

Ensigo ez'ebibi zino zisigibwa mu mitima gy'abavubuka baffe nga batunulira ebifananyi ebibi, era bwebasoma ebigambo ebibi mu butabo nempapula ez'amawulire nebagezaako okufananya obulamu bwabwe n'obwo obulabika mu bifananyi ebyo, ne mungero ezo. Kyoka oluvanyuma bafuna enaku, n'obuyinike, n'ensonyi, n'okwejusa ate ebisenge ebyokuziniramu byebifo eby'obwenzi gyebutandikira. Bangi abazanya mu mizanyo gyolwatu, bebalina empisa ez'obwenzi n'obwenzi, era abalenzi n'abawala abaleero, bwebatunulira abazanyi abo, babasamu ekitibwa. Naye abantu ba Katonda, abafanana Yusufu omwatikirivu kulw'obulamu-bwe obulongofu, tebakyaberawo ebyokulabirako byabwe, kyoka banyoomebwa nabo Katonda agamba nti, omubiri sigwabwenzi, naye gwa Mukama waffe; ne Mukama waffe avunana omubiri. Mwewalenga obwenzi. Buli kibi kyona omuntu kyakola kiri kungulu ku mubiri; naye ayenda akola ekibi ku mubiri-gwe ye. Oba temumanyi ngomubiri gwamwe ye yekalu y'omwoyo omutukuvu ali mumwe gwemulina eyava eri Katonda? Namwe temuli kubwammwe, kubanga mwagulibwa namuwendo. (1 Kol. 6:18). Omuntu yenna bwazikirizanga yekalu ya Katonda, Katonda alimuzikiriza oyo, kubanga Yekalu ya Katonda ntukuvu, ye-mwe. (1 Kol. 3:17).

Copyright ANGP

**3. EMBIZZI** yensolo etali nongofu, etambula wonawona mu ttosi nekavvula ebisasiro byona ebirabika, obanga birongofu oba sibirongoofu. Bwegutyo omutima omubi gukavvula buli kirowoozo n'ebigambo ebitali birongofu, era bwegutyo omubiri gw'omuntu ogutondebwa gube Yekalu ya Katonda omulamu, gwononeka olw'empisa embi, ng'okunywa omwenge, n'okunywa oba okugaaya Taaba, oba okunywa Walagi, n'okukozesa eddagala ery'engeri yonna embi ery'onona obwongo bw'omuntu. Okutuusa obulwadde obwo lwebutabula amagezige era nafuuka omusiru, nafuna ekifo mu dwaliro lyabalalu. Bwebatyo abantu bangi, abasajja era n'abakazi, balina empisa ezo, bafuuka abaddu ba Sitani, era tewali buyinza bulala okujako obuyinza bwa Katonda okubafuula abedembe. Temumanyi nga muli Yekalu ya Katonda? Omuntu yena bwazikirizanga Yekalu ya Katonda, Katonda alimuzikira oyo. (1 Kol. 3:16,17; 6:18,19).

Ate omuluvu ye kyamuzizo mu maso ga Katonda, era mundagaano enkade, abantu ab'empisa embi n'abatamvu bakubibwanga amayinja, bafe. (Mat. 21:18-21). Sulemani agamba nti, Omutamivu n'omuluvu, balituuka mu bwavu. (Nger. 23:21). Tulya olwokuba n'obulamu, tetuba nabulamu olwokulya, kale bwetulumwa enjala, kirungi tulye emmere ennungi etumala, naye si kwongera nga okwegomba kwe mibiri bwekuli. Okwegomba kugaana okukusibwa, naye kukaaba nti, mpa, mpa. Sulemani omwatikirivu mu magenzi yawandiika nti, aba mukwano gwa bantu abaluvu, akwasa kitaawe ensonyi. (Nger. 28:7).

Jukira nti waliwo omuntu omugagga eyayambalanga olugoye olw'efulungu ne bafuta bulungi, ye muluvu n'omuddu owokwegomba kwe. Oyo yafa nazikibwa nayimusiza amaasoge mu magombe ngali mu kulumizibwa. (Luk. 16:19-23).

Obubi obungi buleetebwa ku bantu olw'obutamivu era tusoma mu Baibuli nti, newakubade ababbi, newakubade abenzi, newakubade abegombi, newakubade abatamivu, tebalisikira bwakabaka bwa Katonda. (1 Kol 6:9).

Abantu abakola n'abo abatunda omwenge ne birala ebitamiza abantu, bo be balivunanibwa mu maso ga Katonda, eyagamba nti Zimusanze oyo awa munne eby'okunywa nayongerako n'obutwa n'okutamiza namutamiiza. (1Kol. 2:15). Enanga n'entongooli, ebitaasa n'endere, n'omwenge biri mu mbaga zabwe, naye tebalowoza mulimu gwa Mukama. (Isay. 5:12).

Ebikolwa eby'omubiri bya lwaatu, byebino: Obwenzi, Empitambi, Okuyomba, obutamivu, nebiringa ebyo. (Bag. 5:19-21). Sso temutamiranga mwenge, ogulimu okukayana, naye mujjulenga omwoyo. (Bef. 5:18). Yesu yenyini abayita abalumwa enyonta bajje gyali, banywe. (Yok 7:37). Mukale buli muntu alumidwa enyonta mujje eri amazzi noyo atalina bigula, mujje mugule mulye, wewawo, muje mugule omwenge n'amata awatali bigula, awatali muwendo. (Isay. 55:1). Yesu agamba nti anywa amazzi ago nze gendimuwa enyonta terimulumira dala emirembe



Copyright ANGP

gyonna. Era amazzi nze gendimuwa ganafukanga munda ye ensulo yamazzi agakulukuta okutuuka obulamu obutagwawo. (Yok 4:14).

**4. ENFUDU** eyogera ku bugayavu, n'okulagalaganya n'obulogo obutakiriza kufanana ekibi ky'obulogo okwegomba okwobugayavu kumutta kubanga emikono gye gigaana okukola emirimu. (Nger. 21:25,26). Yosuwa nabalagira abana ba Israeri nti mufubeenga okuyingira mu mulyango omufunda. (Luk 13:24). Obwakabaka obw'omuggulu buwaguzibwa, nabawaguza babunyaga lwamanyi. (Matt. 11:12).

Mubigambo by'obulokozi bwaffe n'obwobulamu bwaffe obw'omwoyo, ekibi kyobugayavu kituletera okuzikirira kwaffe, kubanga kituziyiza mu kusaba kwaffe, nemukunonya ebya Katonda, n'okufuna ebyo byetusubizibwa. Era Katonda bwagamba nti Omwana wange mpa omutimagwo, obanti wangayo omubiri gwo saddaka enamu, entukuvu, esanyusa Katonda, Sitani nagamba nti, Nedda, sikakati, leka okutuusa enkya oba ekiseera ekirala, singa ekiseera ekyo tekinatuuka, mpozzi era naawe nofa nga tonaba kulokoka. Katonda agamba nti Leero, bwemunawuilra eddoboziriye, temukakanyaza mitima gyamwe, ate. (Beb. 3:15). Ate Laba kakano byebiro eby'okukkirizibwamu; laba kakano lwelunaku olwobulokozi. (2 Kol. 6:2). Abantu bangi babula kubanga baleka okukola okutuka olunaku olulala naye olunaku olwo lwalema okutuuka. Tetutegera bya nkya. (Yok. 4:13).

Copyright ANGP

Munsi ezimu, ekiwawo kyekiva kikozesebwa mu byobulogo, era wano kitutegeeza ekibi ekyo eky'abo abesiga obulogo mu kifo kya Katonda mu biseera byona ebizibu, eby'okukema, eby'obulwade, eby'obuyinike, n'okufirwa, era ebyenaku yona tulagirwa okukabirira erinnya lya Katonda owobulamu bwaffe, eyalindirira okutuyamba, n'okutulokola. (Bal. 10:13). Katonda kyekidukiro n'amanyi gaffe. Omubeezi dala atabula mukulaba enaku. (Zab. 46:1). Olugendo lwomuntu lunywezebwa Mukama. (Zab. 37:23). Kubanga okugulumiza tekuva buvanjuba newakubade ebugwanjuba, newakubade obukiika obwakono, yade Katonda yemulamuzi yatowaza oyo, n'oyo amugulumza.

(Zab. 75:6,7). Yalagira abantu ba Israeri, nti tewalabikanga gyoli omuntu yena ayisa mu muliro mutabaniwe oba mudduwe, newakubade abalala eby'obufumu, newakubade alaguza ebire, newakubade omulogo, newakubade omugagga, newakubade omusawo, newakubade asamira, newakubade emmandwa,. newakubabe abuuza abfu. Kubanga buli akola ebyo wamuzizo eri Mukama era olw'emizizo egyo Mukama Katonda ye kyeyava abagoba mu maasoge. (Matt. 18:10-12).

Sso temuliyingira mu kibuga kya Katonda nakatono ekintu kyona ekitali kirongoofu, newakubade akola eky'omuzizo n'obulimba. (Kub. 21:27). Naye ebweru eriyo embwa, n'abalogo, n'abenzi, n'abassi, n'abasinza ebifananyi nabuli ayagala n'akola obulimba. (Kub. 22:15). Temukyukiranga abo abasamira emizimu, newakubade abalogo, temubanonyanga okwononeka olwabo. Nze Mukama Katondawo. (Lev. 19:31). Awo bwebagambaanga nti mubuuze abo abaliko Daimoni nabafumu abalira (ng'enyonyi) era abajoboja; eggwanga tekirigwanira okubuuza Katonda wabwe? Ebigambo byabalamu bandibuuzizza abafu? Tudde eri amateeka n'obujulirwa! Obanga tebogera ng'ekigambo ekyo bwekiri, mazima obude tebugenda kubakerera. (Isay. 8:19,20).

Nga bwosoma ekitabo kino ekitono, Katonda ayogera nawe era akuyita okwenenya ebibibyo nokwewaayo obulamubwo eri ye, naye omwoyo ogw'Enfudu gubeera awo mu mutimagwo negunyikira nyo okukusendaseenda osooke oleke, era omutimagwo n'egutya. Lwaki otandika okwebuuza nti abantu bange nemikwano gyange, baligamba ki? Oba nafuuka omucristayo dala?

Kiriba kitya bwendigaana okussa ekimu mu kuzina kwabwe, n'embaga zabwe, nebirala ebyensi ebitusanyusa kaakano? Mu kifo ky'okulaba obuzibu obwobugagga mu Kristo Yesu, emirembe-gye egyekitalo, essanyulye eritayogerekeka, n'ekitibwakye, n'obulamubwe obtaggwaawo, obwobugagga mu Kristo Yesu, emirembe-gye egyekitalo, essanyulye eritayogerekeka, n'ekitibwakye, n'obulamubwe obutaggwaawo, otandika okutunulira ebintu ebyo byokka ebikugwanira okufiirwa

Copyright ANGP

oba okusula nga bwokkiriza Kristo ayingire mu mutimagwo. Ate okutya kw'abantu n'okutya kw'okufa, olwentisa ezo osibibwa mu buddu bwa Sitani. Naye jjukira nti Kristo Yesu yajja naafa, alyoke azikirize oyo eyalina amaanyi ag'okufa, yye Sitani, era alyoke abawe eddembe abo bonna abali mu buddu obulamu bwabwe bwonna n'olw'entisa y'okufa. (Beb. 2:14,15). Kale wegendereze, omwoyo ogw'okulwaawo guleme okwongera okukakanyaza omutimagwo, okutuusa lwegufanana ekiwawo ky'enfudu.

**5. ENGO.** Yensolo enkambwe ennyo, etujjukiza nti Omutima gw'omuntu omubi gufugibwa n'omwoyo ogw'obukyayi n'obusungu n'obuggya, era oluusi n'oluusi buno buleeta obussi. Kirungi omuntu ayatule ebibi bino ngasaba Yesu okumulokola. Lekaanga obusuungu ovenga mu kiruyi, teweralikiriranga; kwagala bwagazi okuleete obubi. (Zab. 37:8). Obusungu bukambwe, n'ekirui mukoka; naye ani ayinza okuyimirira awali obuggya? (Enger. 27:4). Kale, toyanguyirizanga mwoyogwo okusunguwala. (Mub. 7:9). Obusungu bubeera mukifuba ky'abasirusiru. Naye kaakano muggyeyo byonna, obusungu, ekiruyi n'ettima. (Bak. 3:8).

Copyright AVIGP

Abantu bangi bagezaako okusirisa obusungu nga banywa omwenge oba mu kuwalana eggwanga, naye omwenge gwabwe busagwa bwa misota era busagwa obukambwe obw'embalasasa. (Mat. 32:33). Okuwalana eggwanga kuwomerevu eri omutima gwekibi naye Katonda ye omuwalanyi waffe. Yesu agamba nti, Muyagalanga baliranwa bamwe nga bwemweyagala mweka, era nti, mwagalenga abalabe bamwe. Bwemunasonyiwaanga abantu ebyonono byabwe, Kitamwe ali mugulu anabasonyiwanga namwe. Naye bwemutasonyiwenga ebyonono byabwe sso ne Kitamwe tasonyiwenga byonono byamwe. (Mat. 5:14,15). Omwoyo ogw'ekabyo nogwemulugunya, Katonda agukyawa. Okwegomba entalo n'okutta abantu kuli mu mutima gw'omuntu. Kale kibagwanira ogwo gubagibweko, omwoyo ogwemirembe gunywezebwe mu kifo kyagwo.

**6. OMUSOTA** gwamulimbisa Kawa mu lusuku Adeni, era

gwazikiriza okusekimu eri Katonda. Sitani, malayika oyo eyagwa edda, naaba n'obuggya bweyalaba nga Adamu ne Kawa bagattibbwa ne Katonda, era nga balagirwa okufuga mu nsi mu kifookye. Olw'obuggya obwo nasala amagezi bazikirizibwe, n'obulamu bwabwe buyawulibwe okuva ku Katonda.

Obuggya buvamu Sitani, era bwe bubeera mu mutima gw'omuntu bwenkana amagombe obukambwe. Okumyansa kwabwo kumyansa kwa muliro, era olusi buleta obussi, nokusingira ddala mu bulamu bw'obufumbo. Mu bulamu bwonna obwabantu obuggya buleeta obuyinike n'obukyayi. Abawule n'ababulizi n'abasomesa n'abawereza b'ekanisa, n'abasomesa b'amasomero, newakubade bo bebalinga Abakristayo, bangi balina ekibi kino eky'obuggya mu mitima gyabwe. Nolwekyo kibagwanira okusabaanga nokutunulaanga, era basabe Katonda abalongoosenga ebirowoozo byabwe, okwagalakwe kufuukibwe dala mu mitima gyabwe kubw'omwoyo omutukuvu gwebawebwa. (Bal. 5:5). Wabula nga bakola bwebatyo, okuwereza kwabwe n'emirimu gyabwe giriyononeka olw'emyoyo egy'obuggya bwebaliraba omuwereza omulala nga akozesebwa okusinga bo benyini.

**7. EKIKERE** kirisibwa ettaka nekitulaga ebibi eby'obuluvu, nokwagala kw'ensimbi, kye kikolo ky'ebibi byonna. (1 Tim. 6:10). Naye abantu abo abagala okugaggawala bagwa mu kukemebwa nemumutego nokwegomba okungi okw'obusirusiru okwonona, okunyika abantu mu kubula n'okuzikirira Ebikere ebimu mu Congo byalabika nga byalya enswa nyingi nyo, nokutuusa lwe byayulika ne bifa olw'obuluvu bwabyo.

Omuntu omuluvu takkiriza okuwayo olw'okuyamba abaavu n'abo abetaaga naye mu ngeri zona agezako n'afuna obugagga n'ebintu byensi eno, newakubade biriyononeka n'enyenje n'obutalagge, nga Yesu yenyini bwagamba nti Temweterekeranga ebintu kunsi, kwebyononekera n'enyenje n'obutalagge, n'ababbi kwebasimira nebabba, naye mweterekere ebintu byamwe muggulu, mwebitayononekera n'enyenje newakubade obutalagge, sso n'ababbi mwebatasimira sso tebabba; kubanga ebintu byo

webibeera, n'ababbi mwebatasimira sso tebabba; kubanga ebintu mwebatasimira sso tebabba; kubanga ebintu byo webibeera, omutima gwo nagwo gunabeera eyo. (Mat. 6:19-22). Akani n'enyumbaye yona yazikirizibwa kubanga ye yayayanira Zabu n'efeza n'amayinja ag'omuwendo omungi, n'ebyambalo. (Yos 7:20,21). Yuda Isukalyoti, omuyigirizwa wa Yesu, neyetuga kubanga olw'okwagala ensimbi, nalyamu olukwe Yesu, Mukamawe. Ensimbi si kibi, newakubade Zabu n'efeeza, naye okuyayanira ebintu ebyo bwekuberawo mu mutima gw'omuntu, kuleeta ebibi.

Abantu bangi, abasajja n'abakazi, ab'ebika byonna n'amawanga gonna bazikiriza obulamu bwabwe be nyini, era obulamu bw'abantu bona ab'amaka gabwe, nga bafubanga okufuna n'okwongera ensimbi zabwe mu ngeri ezitali zimu. Bangi bakuba zaala nga bayayanira okwongera okugaggawala amangu awatali kukola mirimu nga bwekisanira, era ekyo kireta okulimba nokubba n'empaka n'okulwana n'okutta, n'okwetta.

Abantu abalala bayayanira okwatikirira n'ebifo eby'obuyinza, olw'okufuga abalala era oluusi okujooga abaavu. Abamu ab'edini banyikira okugulumiza erinya ly'ekanisa yabwe nebasalira omusango buli muntu yena aguma okugoberera Yesu, wabula nga memba wakanisa yabwe. Nga Yokana bweyagamba nti, Omuyigiriza twalaba omuntu nga agoba badaimoni mu linyalyo; netumugaana kubanga teyayita naffe. Naye Yesu nagamba nti Temumugaananga; kubanga tewali muntu anaakolanga mu linya lyange anayinzanga amangu okunvuma kubanga atali mulabe waffe ngali kulwaffe. (Mako. 9:38-40). Nabagamba nti mulabe, mwekumenga okwegomba kwona; kubanga obulamu bw'omuntu sibyebintu ebingi byaba nabyo. (Luk. 12:13). Ate nabagamba olugero lw'omugagga, omusirusiru enimiroye neyeza; naba nga alowoza mundaye nga agamba nti, nakolantya, kubanga sirina wenakunganyiza byange? Nagamba nti nakola bwenti; namenya amawanika gange, nenzimba amalala agasinga obunene; nenkung'anyizamu emmere yange enkalu yona nebintu byange byona. Ndigamba emmeme yange nti, Emmeme, olina ebintu bingi ebiterekeddwa emyaka mingi,

Copyright AIVGP

wummula, olye, onywe, osanyuke. Naye Katonda nagamba nti, Musiruggwe, mukiro kino emmemeyo banakugiggyako; kale ebintu byotegese binaaba byani? Bwatyo bwali eyeterekera obugagga, songa ssi mugagga eri Katonda. (Luk. 12:16-21). Kubanga kimugasaaki omuntu okulya ensi zona, nafiirwa obulamubwe? (Mako. 8:36). Temweralikiririranga bulamu bwammwe, kyemunalya, newakubade emibiri gyammwe, kyemunagyambaza. Naye mononye obwakabaka bwa Katonda, n'ebintu ebyo biribongerwako. Kubanga obugagga bwamwe gyebuli, n'emitima gyamwe gyegiribera. (Luk. 12:22-34).

**8. SITANI.** Ye kitawe wabalimba n'abo abagala nebakola obulimba. Mu kifananyi kino Sitani alabika dala nga mukubiriza webibi byona era omufuzi w'omuntu dala. Yesu nagamba nti, mwe bakitamwe Sitani era mwagala okukola okwegomba kwa kitamwe. Oyo okuva ku luberyeberye ye mussi, sso teyanywerera mu mazima kubanga amazima tegali muye. Bwayogera obulimba, ayogera ekiva mu bibye; kubanga ye mulimba era kitawe wobulimba. (Yok. 8:44). Eby'obulimba ebimu byogerwa, ebimu nebiwandikibwa nebirala bikolebwa. Omunanfuusi mulimba kubanga yefuulafuula nalabika ng'omulala, Katonda tayinza kulimba. (Tit. 1:2). Abakristayo era tebayinza kulimba, naye bwetwogera nga tussa kimu naye netutambuliranga mu kizikiza, tulimba netutakola mazima. (1 Yok. 1:6). Baweredwa omukisa abayoza ebyambalo byabwe balyoke babeere n'obuyinza ku mitima egy'obulimba, era balyoke bayingire mu kibuga (nga bayita) mu mulyango. Kubanga ebweru yeri Embwa n'abalogo, n'abenzi, n'abassi, n'abasinza ebifananyi, nabuli ayagala nakola obulimba. (Kub. 22:15). Waliwo ebigambo Mukama byakyawa, Olulimi olulimba, nomujulirwa owobulimba ayogera ebyobulimba. (Enger. 6:17-19).

**9. EMUNYENYE.** Eyogera ku birowoozo by'omutima gw'omuntu. Mu kifananyi kino emunyenye nzirugavu, eyononeka n'ebibi, era efiride kulw'okukola ebibi kakano tekyayinza kulamula mu ngeri ntufu ebikolwa byaayo. Nolwekyo omwoyo oluusi gusirika, nolusi gunakuwala era guloopa bwekisaanira okusonyiwa n'okusonyiwa, bwekisaanira okuloopa, gukyamya n'okuyigiriza kwa Sitani

Copyright ANGP

olw'obunanfuusi bwobulimba. Gulisiriziibwa nokwokebwa ng'ekyuma ekyokya. (1 Tim. 4:1,2).

**10. ERISO LYA KATONDA** liraba byona mu mutima gw'omuntu Tewali bikwekebwa mu maso goyo Katonda waffe gwe muliro ogwokya. (Beb. 12). Era alaba namanya ebirowoozo, ebyaama byona ne bigendererwa byona.

**11. ENIMI ENTONO EZ'OMULIRO** ezirabika nga zetolola omutima, zitujukiza okwagala kwa Katonda okumamira ku mutima gw'omuntu newakubade nga takkiriza. Kubanga newakubade Katonda akyawa ekibi akyayagala omuntu alina ebibi. Talina sanyu lyasanyukira okufa kw'omubi naye ayagala akyuuke aleke ebibibye abe n'obulamu Yesu yakka mu nsi alokole abalina ebibi. Esanyu liriba lingi nyo muggulu olw'oyo omu alina ebibi eyenenya. Enimi ezo zogera ku musaayi gwa Yesu Kristo, omwana ogw'endiga owa Katonda, agyawo ebibi by'ensi. (Yok. 1:29).

**12. MALAYIKA** ayolesa ebigambo bya Katonda. Ye ayagala nyo okwongera omuntu, omusajja oba omukazi eyalimbibwa nazitowererwa n'omugugu gw'ebibi bye akkirize okwenenya, omusana n'okwagala kwa Katonda biyingire mu mutimagwe.

Copyright ANGP

**13. EJJIBA,** ke kabonero k'Omwoyo Omutukuvu, omwoyo ow'amazima alumirizenga olw'ekibi, n'olwobutukirivu, n'olwomusango. Mu kifananyi kino omwoyo oyo ali bweru w'omutima gw'omuntu kubanga tayinza kuberawo ekibi bwekiberawo nekifuga.

Munange, ekifananyi kino oba kitabagana n'embera y'omutimagwo, munoonye Mukama nga bwakyayinzika okulabika, mukabirire nga bwakyali okumpi. (Isay. 55:6). Gulawo omutimagwo eri Mukama waffe, okkirize omusana gwekigambokye gwake munda Yesu Kristo alindirira akulokole. Katonda ayagala akutondemu omutima omuggya omulongofu, n'okuzzaamu omwoyo omulungi. (Zab. 51:10). Kino kiriyolesebwa mu kifananyi eky'okubiri.

## EKIFANANYI EKYOKUBIRI

Mu kifananyi kino tulaba omutima ogw'omuntu eyatandika okwenenya nokunonya Katonda. Malayika akwata ekitala, kyekigambo kya Katonda, era ekigambo ekyo kiramu, era kikozi, era kisala okusinga buli kitala kyona eky'obwogi obubiri, era kiyitamu n'okwawula nekyawula obulamu n'omwoyo, enyingo, n'obusomyo, era kyangu okwawula okulowooza n'okufumitiriza okw'omutima. (Beb. 4:12). Ekigambo kya Katonda kimujukiza nti, Empeera y'ekibi kwekufa, era abantu baterekerwa okufa omulundi ogumu. Oluvanyuma lwakwo omusango. (Beb. 9:27). Omugabo gw'oyo eyalina ebibi atakiriza gulibera mu nyanja ey'omuliro ogw'okya. (Kub. 19:20).

Mu mukono omulala Malayika akwata ekiwanga okumujukiza omuntu oyo nti, Fena fena tulifa. Emibiri gyaffe gyetukuuma enyo nga tugiriisa ne tugyambaza, netugiyonja. Negisanyusa, netufuba nyo mungeri zona tugikkuse okwegomba nokwetaga kwagyo, naye girifa negivunda era ensiringanyi zirigirya, naye obulamu nemyoyo gyafe giriberawo emirembe n'emirembe, era ku lunaku lumu girirabika mu maso g'entebe ya Katonda, gisalirwe omusango. (Kub. 20:11-15). Era mu kifananyi kino tulaba omuntu nga atandika okuwulira ekigambo kya Katonda nokugulawo omutima gwe ayingize okwagala kwa Katonda.

Copyright ANGP

Enjuba y'Omwoyo gwa Katonda etandise okwaka mu mutima gwe ogw'ekizikiza n'ekibi, era nawe omusomi kirungi okirize Yesu ayingire mu mutima gwo, era mangu ebikolwa ebibi ebyekizikiza ebyolesebwa mu nsolo ezo ezengeri ezitali zimu birigobebwa ebweru nga bwetulaba mu kifananyi kino. Yesu agamba nti, Nze musana gwensi, angoberera tatambulirenga mu kizikiza, naye anabanga nomusana ogwobulamu. (Yok. 8:12). Tekiyinzika omuntu okugoba ekizikiza mu mutimagwe ye yeka mu magezi-ge, newakubade amagezi g'abantu abalala, naye mu ngeri emu yoka, kwekukkiriza omusana gwa Yesu, bweguyingira ekizikiza kivamu mangu. Omwezi n'emunyenye biyinza okutuyamba mukizikiza ekiro, naye enjuba y'obutukirivu.




**2. OMOTIMA OGULUMIRIZIBWA ERA OGUKIRIZA**

Ye bweyayingira Eyerusalemi, yagobamu abo bona abali batunda Ente, n'Endiga n'amayiba, era nayiwa ensimbi zabwe abali bawanyisa ensimbi, ng'agamba nti, Kyawandikibwa nti, Enyumba yange eneyitibwanga nyumba yakusabirangamu naye mmwe mugifuula mpuku yabanyazi. (Mat. 21:13). Katonda yateesa nti, Omutima gwo gube kisulo kye, yekaluye, era ayagala nyo asulemu, aguyonje, agujuze omusana n'okwagala n'esanyu.

Yesu yaja sikusonyiwa ebibi byafe kyoka naye era okutunulira, era n'okutusumulula mu buyinza n'obufuzi bwekibi, Yesu nagamba nti, kale omwana bwalibafula ab'edembe, muliba ba dembe dala. (Yok. 8:36).

## EKIFANANYI EKYOKUSATU

Kakano eyolesebwa embera y'omutima gwomuntu eyamala okwenenyeza dala, dala. Malayika kye kigambo kya Katonda Amulaga Omusalaba gwa Yesu namutegeza nti, ebibibye bingi ebyekitalo byaleta okufa kwa Yesu. Era omuntu ono, bwatunulira nawulira ebigambo ebyo, omutimagwe kwekumenyeka atandika okulabira dala okwagala kwa Katonda mu Yesu Kristo, omwana we omutima gwe negusanyuka, nakkiriza nti, dala, dala Yesu yanfirira yenyini. Alaba Yesu bwabonyabonyezebwa ng'akubibwa emiggo, nafumitibwa, natikkirwa engule eyamaggwa, n'adulirwa, n'akomererwa ku muti, nga yetikka yenyini ebibi byaffe mu mubiri gwe, ffe nga tumaze okufa mu bibi, tulyoke tubeerenga n'obulamu era n'obutukirivu. (1 Pet. 2;24).

Olw'okutunulira ennyo Omusalaba ogwo, n'okusoma ennyo enjiri ya Kristo atandika okwolesebwa obulamu bwe bwona n'okwononeka kwabwo omutimagwe gubonerezedwa, amaziga negamujula amaasoge. Awo, mukulumirizibwa okwo mwamusanga Yesu ngajja gyali n'ekisa ekingi.

Ate, okwagala nemirembe gya Katonda biyingira mu mutimagwe ng'akkiriza nti Omusayi gwe Yesu Omwana we gutunazaako ekibi kyona. (1 Yok. 1:7). Era, nti Mukama ali kumpi naabo




**3. OMUTIMA OGWENENYA**

abalina omutima ogumenyese, era awonya abalina omwoyo ogubonerede. (Zab. 34:18). Katonda agamba nti, naye omwavu era alina omwoyo ogubonerede era akankanira ekigambo kyange, yewuyo gwenditunulira. (Isaya 66:2). Kakati eddoboozi ly'Omwoyo Omutukuvu, ng'agamba nti, Mwana wange guma omwoyo, ebibibyo bisonyiyidwa, bikugidwako. (Mat. 9:2). Nga akyatunulira ku musalaba omusayi gwa Yesu gwayiwa olwokuggyawo ebibibye, omugugugwe nga gugude, kubanga Yesu yeyetikka obuyinike bwaffe nasitula enaku zafe. Ye yafumitibwa olw'okusobya kwafe, yabetentebwa olwobutali butukirivu bwaffe. Mukama atade kuye obutali butukirivu bwafe fena. (Isay. 53:4-6). Omutima gwe gujude n'omusana gw'Omwoyo Omutukuvu, sso edda, gwalimu ekizikiza n'obugwagwa, naye kakano gufuse omweru ng'omuzira. (Isay. 1:18). Omwoyo omutukuvu yenyini wamu n'omwoyo gwe ategera nti, ye mwana wa Katonda, n'omusika wa Katonda, n'omusika awamu ne Kristo. (Beb. 8:17). Tajja kubula, kubanga buli akkiriza Yesu aleme okubula naye abere n'obulamu obutaggwawo. (Yok. 3:16). Kubanga mu Yesu tulina okununulibwa kwafe olw'omusayigwe, okusonyiyibwa ebyonono byafe, ng'obugagga obw'ekisa bwebuli. (Bef. 1:7). Okwegomba kwona okubi okw'omubiri kugwawo era mu kifo kyakwo, omuntu oyo ayayanira okumuwerezanga Katonda eyasooka okutwagala ffe, nawaayo omwanawe eyazalibwa omu yekka, abe omutango olw'ebibi byaffe.

Kale mukifananyi kino, tulaba ensolo eziyolesa ebibi kakano biri ebweru w'omutima gw'omuntu newakubade Sitani akyali kumpi ng'atunulira enyuma ng'asubira ng'aliyingira nate, olw'ekyo Mukama waffe atulabula nti mutunuleenga, musabenga, mulwanenga ne Sitani, naye anabadukiriranga. (Yok. 4:7).

## EKIFANANYI EKYOKUNA

Wano tulaba Omukristayo eyalina emirembe emitufu, kubanga anunulibwa n'omusayi gwa Yesu Kristo, Omulokozi waffe, n'olwekyo talina kwenyumiriza, wabula ku musalaba gwa Yesu; olw'ogwo ensi ekomereddwa gyali, era ye eri ensi. (Bag. 6:14).

Nakomererwa
wamu naye.
Bag. 2:20.

Abafa kukibi,
naye abalamu eri
Katonda mu Kristo
Yesu.
Bal. 6:11.




4. YEKALU YA KATONDA

Yesu yafa ku musalaba, ffe nga tumaze okufa ku bibi, tulyoke tubeerenga abalamu eri obutukirivu.

1 Pet. 2:24 Abakristayo balagirwa nti, Mutambulirenga mu mwoyo, kale temutukirizeenga kwegomba kwa mubiri. (Bag. 5:16).

Mu mitima gino tulaba empagi eyo Yesu gyasibidwako era nakubibwa enkoba, abalabebe bwebamala okumwambula ebyambalobye. Enkoba n'empi birabika, byebakozesa nga bamukuba n'obukambwe. Naye yabonyabonyezebwa kulwaffe, tuberenga abalamu eri obutukirivu, n'okukubibwa kwoyo kwekwatuwonya. (1 Pet. 2:21-24). Awo Kerode ne baserikalebe nebamunyooma nebamudulira. (Luka 23:8-11). Nebamwambaza ekyambalo, ekinekaneka, nebamuzzaayo ewa Pirato. Awo baserikale b'owesaza nebatwala Yesu mu kigango, nebamukung'anyizako ekitongole kyona, nebamwambula nebamwambaza olugoye olumyufu, nebaluka engule eyamaggwa, nebagissa nebafukamira mu masoge nebamuduulira, nga bagamba ku mutwegwe, n'olumuli mu mukonogwe ogwaddyo, nti, "Mirembe, Kabaka w'Abayudaya" nebamuwandira amalusu nebatoola olumuli ne bamukuba mu mutwe. Awo bwe baamala okumuduulira, ne bamwambulako olugoye ne bamwambaza ebyambalobye, ne bamutwala okumukomerera. (Mat. 27;23-31). Era mu nnaku zino abantu bangi abayitibwa Abakristayo basoma ne bayimba mu Kanisa, era bassa kimu ku Mere ya Mukama waffe, naye ebikolwa byabwe bitegeeza nti, bo bamukomerera Yesu Omulokozi wabwe omulundi ogw'okubiri. Yesu agamba nti, buli muntu agamba nti Mukama wange, Mukama wange, ssi yaliyingira mu bwakabaka obwomu Ggulu, wabula akola Kitange ali mu ggulu by'ayagala. (Matt. 7:21). Ate, Mumpitiraki Mukama wammwe, sso nga temukola bigambo byenjogera? (Luk. 6:46). Mu kifaananyi kino tulaba ensawo ya Yuda Isukalyoti, omuyigirizwa oyo eyalyamu olukwe Mukamawe Yesu Kristo, n'amutunda eri abalabebe kulw'ebitundu by'effeeza amakumi asatu, kubanga okuyaayaanira ensimbi kwamukwata omutimagwe ne guziba amaasoge. Etabaaza n'enjegere n'ebirala abaserikale bobikozesa bwe bamukwata Yesu mukiro

Copyright ANGP

ekyo mu lusuku Gesusemani, era amayinja ago gaakozesebwa abo abaakuba akalulu bwe baagabana ebyambalobye. (Zab. 22:18). Banyaga ebibye byonna naye Yesu yennyini, bamugaana, nga bagamba nti, "Tetwagala oyo kutufuga." (Luk. 19:14).

Abantu basiima okuwebwa eby'omukisa byonna, Katonda abawe buwi, enkuba n'omusana, emmere yabwe, n'obulamu bwabwe, nebirala, naye bagaana okwewayo eri Katonda abe Mukama wabwe. Bo tebalowooza ku Katonda, wabula bwebabeera mu nnaku nga tebalina kusuubira kulala, ne betaaga okuyambibwa.

Effumu eryo litujjukiza nti Omuserikale omu namufumita Yesu mu mbiriizize n'effumu, amangwago nemuvaamu omusaayi n'amazzi. (Yok 19:33-37).

Enkoko nga tennaba kukookolima, Petero yamwegaana emirundi esatu, (Yok. 13:38) naye oluvannyuma n'afuluma ebweru, n'akaaba nnyo amaziga.

Era naawe ggwe omusomi, Yesu omwatulira mu bigambo byo ne mubikolwabyo mu maaso g'abantu, obā okwatibwa ensonyi ku lw'erinnyalye? Yesu nagamba nti, buli muntu yenna alinjatulira mu maaso g'abantu, nange ndimwatulira mu maaso ga Kitange ali mu ggulu. Naye yenna alineegaanira mu maaso g'abantu, nange ndimwegaanira mu maaso ga Kitange ali mu ggulu. (Matt. 10:32,33). Atakwata musalabagwe n'agoberera ennyuma wange, t'ansaanira. (Matt. 10:38). Bawereddwa omukisa abayimiridde ku Lwazi, Yesu Kristo.

Olwazi lwedda nedda ggwe
Olwanjatikira nze.
Omwo mwenekwekanga,
Era omusayigwe mwegwava.
Ebibi binziyeeko,
Mponya mu maanyi gabyo.

Copyright ANGP

## EKIFANANYI EKYOKUTAANO

Wano tulaba omutima gw'omuntu ogulongoseddwa negutukuzibwa olw'ekisa kya Katonda, era gufuuka yekaluye n'ekisulo kya Kitaffe n'omwana, n'Omwoyo omutukuvu, nga Yesu bweyagamba nti, omuntu bwanjagala, anakwatanga ekigambo kyange; ne Kitange anamwagalanga, era tunajjanga gyali, tunaatuulanga gyali. (Yok. 14:23). Katonda agulumiza omuntu era amusitula n'amuwa omukisa gwe mu Yesu Kristo.

Ebibi nga biggyiddwamu, era mu kifo ky'ensolo embi ezitali nongofu ezifugibwa Sitani, kitaawe w'abalimba, tulaba omwoyo omutukuvu, Omwoyo ow'amazima ng'abeerawo. Edda omutima guno gwali ekifo ky'obugwagwa, naye kaakati gufuuka omutima omulungi nga gubala ebibala bingi ebibala by'omwoyo, kwe kwagala, okusanyuka, emirembe, okugumiikiriza, ekisa, obulungi, okukkiriza obuwombeefu, okwegendereza, n'ebirala ebisiimibwa Katonda n'abantu. Omuntu ono y'ettabi ery'omuzabbibu ogw'amazima, ye Yesu Kristo, era abala ebibala ebirungi kubanga abeera mu ye, era olw'okuwangula omubirigwe n'okwegomba kwagwo, n'okukomerera omuntu owedda. (Bag. 5:24). Atambulira mu mwoyo n'atagoberera mubiri. Abeera nga mulamu olw'okukkiriza Yesu Kristo, era okukkiriza okwo kuwangula ensi, omubiri ne Sitani. Amaanyige g'eyongera ng'asuubira nti Mukama waffe Yesu Kristo ajja kujja mangu, era obulamu bubeera mukwagala okutaggwawo okwa Katonda.

Balina omukisa abalina omutima omulongoofu; kubanga abo baliraba Katonda. (Mat. 5:8). Daudi, Kabaka wa Isiraeri, newakubadde nga yali mugagga, era newakubadde nga yawangula abalabebe, y'ategeera nti, olutalo olusinga obunene lwali mu mutimagwe olw'ekibikye, n'asaba nti, ontondemu omutima omulongofu, Ai Katonda, onzizeemu omwoyo omuggya munda yange. (Zab. 51:10). Tewali muntu ayinza okwerongosa omutimagwe yekka, newakubadde okutondamu munda ye omutima omulongofu wabula olw'okwenenya okw'amazima, ajje eri Katonda nga Daudi bwajja, n'asaba Katonda okumuyamba. (Soma Zab. 51).

Copyright ANGP

OKWAGALA
OKUSANYUKA
EMIREMBE
OKUGUMIKIRIZA
Bag. 5:22-23.

EKISA
OBULUNGI
OKUKIRIZA
OBUWOMBEFU
OKWEGENDEREZA




**5. NAKOMERERWA WAMU NE KRISTO**

Katonda alindirira ng'ayagala nnyo okukola ekigambo ekiggya mubulamu bwa buli muntu. Agamba nti, "Ndibamansirako amazzi amalungi, muliba balongoofu; ndibalongoosa empitambi yamwe yonna, ne mubifananyi byammwe byonna. Era ndibawa nomutima omuggya, nenteka omwoyo omuggya munda yamwe, era ndiggya omutima ogw'ejjinja mu mubiri gwammwe, nembawa omutima ogw'enyama. Era nditeeka omwoyo gwange munda yammwe, nembatambuliza mu mateeka gange, era mulikwata emisango gyange, nemugikola." (Ezek. 36:25-27).

Mu kifananyi kino Malayika alabika, kubanga Bamalayika bonna sigyemyoyo egiwereza, nga gitumibwa okuwereza olw'abo abagenda okusikira obulokozi? (Beb. 1:14). Era basiisira nga betolola abo abamutya Katonda, okubakuuma mu makubo gabwe gonna. (Zab. 34:7; 91:11; Dan. 6:22; Mat. 2:13; 13:39; 18:10; Bik. 5:19; 12:7-10).

Sitani era, alabika mu kifananyi kino, nga ayimiride awo kumpi n'omutima gw'omukristayo ono, nga anoonya ebbanga ly'okuyingira mu kisulo kye eky'edda; nolwekyo tulabudwa nti mutunulenga, musabenga, kubanga omulabe wamwe Sitani atambulatambula ng'empologoma, ng'anoonya gwanalya. (1 Pet. 5:8). Era oluusi n'oluusi yefananya nga Malayika w'omusana, nokukyamya akyamye nabalonde, obanga kiyinzika. (2 Kol 11:14; Mat. 24:24). Naye, bwetunalwananga ne Sitani, anatuddukanga. (Yak. 4:7).

## EKIFANANYI EKYOMUKAAGA

Ekifananyi kino kiringa kyannaku, kubanga kitulaga omutima gw'omuntu eyaddayo enyuma. Eriso lye elimu litandika okuzibirira nga agenda okwebaka mu bulamubwe obw'obukristayo. Eriso eddala limagamaga awatali nsonyi, kuby'ensi, nga oyo atandika okwegomba ebyo.

Omusana ogw'omunda gukendeezebwa era obubonero obwo obwaali nga buyimiridde obulungi, butandika okugwa. Edda, obubonero obwo bwategeezanga nti, omuntu oyo akkiriza

Copyright ANGP



Copyright ANGP

**6. OMUTIMA OGUKEMEBWA ERA OGWAWULIBWAMU**

okusekimu mu kubonabona kwa Kristo, naye takyakwagala. Kirabika nga yetololebwa n'okukemebwa, era mpola-mpola akugondera natakujemera oba kuwangula, kubanga alekeraawo okuwulira eddoboozi lya Katonda n'atandika okuwulira eddoboozi lya Sitani omukemi nga bwaleeta ebirowoozo ebibi nebisuubizo ebyerere.

Mpozzi asoma mu Kanisa ng'afanana ng'ow'eddiini, naye okwagala Katonda kunyogoga mu ye. Afuuse omuntu ow'emyoyo ebiri atanywera mu birowoozobye. Atandise okwagala eby'ensi newakubade ayogera eky'okwagala Katonda, naye buli muntu yenna bwayagala ensi okwagala kwa Katonda tekuli muye. (1 Yok. 2:15).

Emunyenye eri mu mutima guno, gwe mwoyo gw'omuntu, akendeeza obutangaavu bwayo. Omusalaba gwe takyagwetika n'essanyu, naye kakano gufuuse omugugu omuzito enyo. Okukkirizakwe kutandika okuvamu, era okubuusabuusa kuyingira mu mutimagwe. Alekeraawo okunyumya ne Katonda mu kusaba, nafuuka atafaayo era ategendereza olw'embera y'Omutimagwe. Bwatyo mpola-mpola atekeratekera ekifo eky'okunyingiza omukemi eyali ebweru. Kakano alina essanyu mu mukwano gw'ensi okusinga mu kussa ekimu nabo abali mukukkiriza amazima.

Copyright ANOP

Era omwoyo gw'enyonyi Muzinge, gwe mulaba, gunonya ekifo eky'okuyingira ate omutima guno. Mpozzi omuntu ono yerabidde nti, yalokoka lwakisa lwakukkiriza, kyekirabo kya Katonda; tekwava mu bikolwa, omuntu yenna aleme okwenyumirizanga. (Bef. 2:8,9). Kakano afuuse Omukristayo ow'amalala. Ate, obutamivu bweyanjula ku luggi, nga bunonya awokuyingirira. Omuntu ono bweyali ku mbaga mu kibiina ky'emikwanogye egy'ensi, yatya okulowozebwa ng'omunafu, omukemi amugamba nti, Okunywa omwenge omulungi ogumu teguyinza kwonona bulamubwe obw'omwoyo. Kale, ebirowozo by'omubiri n'okwegomba biyingira omutimagwe, era atandika okufuna essanyu mu kusagasaaga okw'obwenzi, n'okutunuulira ku bifaananyi by'obwenzi, era n'okugatta ekibiina ky'abenzi. Alabika

mu bisenge eby'okuzina n'okuzannya okutasaanira, era awulira eddoboozi lya Sitani nga amugamba nti, ebyo byonna by'abuzaliranwa, era ekibi ekimu ssi kibi.

Dala dala ffe ffena, tetuvunanyizibwa, ennyonyi embi n'ezitali nongoofu bwezibuuka waggulu w'emitwe gyaffe, naye tulina obuvunanyizibwa oba tukkiriza zituule kuffe, nezizimba ebisu byazo mu mitima gyaffe ne zizaala ebikolwa ebibi. Bwetuwaayo Sitani nasswi yaffe, dala dala akwaata omukono gwaffe gwonna, natuwalula obulamu n'omwoyo mu komera lye, ye Geyena, omuliro ogwaaka emirembe n'emirembe.

Katonda atulagira okwewala okwegomba, n'okulekeraawo okuzanya n'ebibi eby'engeri zonna nga bwetukemebwa, n'okuddukira eri Yesu, omununuzi waffe era omuwanguzi waffe.

Omusajja oyo akwaata empiima mu mukonogwe, olw'okufumita omutima, atutegeeza ku bantu abo abaduula, nabo abaziyiza Obukristayo. Okuva ennimi zaabwe ez'o kuwayiriza, n'emimwa gyaabwe egy'okuduula, bivamu ebigambo ebifumita n'ebiruma enyo emitima gy'abakristayo, naye omutima oguyawulibwa ogutaanana ogwo mu kifananyi kino, teguyinza kugumiikiriza.

Omuntu ono atandika okutya abantu okusinga okutya Katonda, era olw'okutya ebyogerwa abantu, afuuka omuddu w'abantu, n'olwekyo atandika mpola okwewala Katonda. Ate, obusungu n'empaka zirabika mu kiseera ky'enaku neky'okusaalirwa, era Omusota omubi ogw'obuggya n'obukyaayi guyingira, abalala bwebakola obulungi nebafuna omukisa okusinga ye.

Era, ekyangu enyo okwagala z'ensimbi okuyingira mu mitima gyaffe, nolw'ekyo kitugwanira okuwulira eby'okulabula kwa Mukama waffe Yesu Kristo nga agamba nti, Mutunulenga, musabeenga, muleme okuyingira mu kukemebwa. (Mat. 26:41). Kale, omuntu yenna alowooza ne mubuyinza obw'amanyige. Mwambaleenga eby'okungayimiride, yekumeenga aleme okugwa. (1 Kol. 10:11). Ekyenkomerero, muberenga n'amanyi mu Mukama waffe, ne mubuyinza obw'amanyige. Mwambaleenga

Copyright ANGP

eby'okulwanyisa byonna ebya Katonda, mulyoke muyinzeenga okuyimilira eri enkwe za Sitani. (Bef. 6:10,11).

## EKIFANANYI EKY'OMUSANVU

Mu kifaananyi kino embeera y'omutima gw'omuntu omubi ebikulibwa, amala okwakirwa, nalega ku kirabo ekyomuggulu, n'afuuka assa ekimu n'omwoyo omutukuvu, n'alega ku kigambo ekirungi ekya Katonda ne ku maanyi ag'emirembe egigenda okujja, nagwa nabivamu. Ate, embeera y'omuntu erabika, atanaba okwenenya, newakubade okwewaayo eri Katonda, ssonga abuulirwa nategeezebwa amazima g'enjiri, amawulire amalungi.

Omuntu yenna akakanyaza omutimagwe, Katonda bwawoza naye, ajja kuyingira nyo mu bibi, era ateganira bwerere okwerongoosa. Yesu yenyini yategeeza ku mbera y'omuntu ono bweyagamba nti, Daimoni embi bweva mu muntu, eyita mu bifo ebitalimu mazzi nga enoonya aw'okuwummulira; bw'ebula egamba nti, kanzireyo mu nyumba yange mwenava. Bwejja egiraba nga eyereddwa nga etimbiddwa. Kale, egenda, n'ereeta emizimu emirala omusanvu emibi okugusingagwo, negiyingira negibeera omwo; kale, eby'oluvanyuma eby'omuntu oyo bibeera bibi okusinga eby'olubereberye. (Luka 11:24-26). Kyamutukirira ng'olugero olw'amazima bweruli, nti Embwa eddide ebisesemye byayo, n'embizzi enaaziddwa eddide okw'ekulukuunya mu bitosi. (2 Pet. 2:22). Ebigambo bino y'omuntu addayo enyuma, oba omuntu eyalina ebibi, naye atanaba kwenenya. Ebibi eby'engeri ez'obulimba neebyawandikibwa mu Baibuli, bitegeeza dala dala embeera z'olukwe byona bidda, okubeerawo n'okufuga omutimagwe, era amaasoge gakakasa embeera eyo.

Omwoyo omutukuvu, ejjiba eteefu, liwalirizibwa okuvamu, kubanga teriyinza okubeerawo awamu n'ekibi. Ate, omutima gw'omuntu teguyinza okubera Yekalu ya Katonda era nempuku ya Sitani mu kiseera kyekimu.

Malayika, ye kyekigambo kya Katonda, navaayo n'ennaku, nga

Copyright ANGP




**7. AZE ENYUMA, OBA OWOMUTIMA OGUKAKANYADDE**

akyatunula emabega, nga asubira nti, omuntu ono anenenya nga omulenzi eyazaawa. Naye bweyeddamu, n'agamba nti, Naagolokoka nengenda eri Kitange ne mugamba nti Kitange, nyonoonye eri eggulu ne mumasogo; sikyasaana kuyitibwa mwanawo. (Luk. 15:16-18). Nagolokoka, najja eri Kitawe, era kitawe bweyalaba omulenziwe, nga aboneredde, namusonyiwa, era namuzzaayo mu nyumbaye nga mutabaniwe. Naye mu kifananyi kino, tewali kabonero akalaga okwenenya.

Omuntu ono talabika ng'akyuukira eri Katonda, okusaba asonyiyibwe. Omwoyogwe guyokebwa n'ekyuma ekyookya. (1 Tim. 4:2). Alina amatu, naye tayinza kuwulira ddoboozi lya Yesu nga awoza naye, era alina amaaso, naye alema okulaba obunya obutakoma obwa Geyena nga bulabika kumpi, n'ebigerebye.

Takwatibwa nensonyi olwo ku yongera ekibi ku kibi. Sitani akomawo alyoke afuge mu mutima guno, era kakano atudde nga Kabaka ku Namulondoye.

Mpozzi omuntu ono akyenyumiriza kubanga ebweru alabika nga omulungi, era nga waddembe, naye afanana entaana eyasigibwa enoni okutukula, erabika kungulu nga ewoomye, naye munda ejudde amagumba g'abafu, n'empitambi yonna. (Mat. 23:27).

Kitawe w'obulimba atutte ekifo ky'omwoyo ow'amazima, era buli nsolo ye buli kibi, kirina Daimoni wakyo n'omwoyo ogutali mulongoofu, byonna birina ebifo mu mutima guno. Newakubade ayagala okwesumulula mu buddu bw'ebibi bino byona ebimubonyabonya enyo, bimukuma nga omusibe. Anyooma amateeka ga Musa, afa awatali kusasirwa olw'abajulirwa ababiri oba basatu; mulowooza, mutya, okubonerezebwa oyo kwalisanyizibwa kulyenkanawa okusinga okuba okubi eyalinyirira ddala omwana wa Katonda, nalowooza omusayi ogw'endagaano omutukuvu obutaba mutukuvu nakolera ekyejo Omwoyo ow'ekisa? (Beb. 10:28,29; 2 Pet. 2:1-14).

Copyright ANGP

Munnange, ekifananyi kino oba kitabagana n'embera y'omutimagwo, nkwegayiridde oyanguwe okaabirire erinya lya Katonda awatali kulwawo. Ye ayinza okulokolera ddala abajja gyali, era ayagala okukusonyiwa ebibibyo byonna, bwojja n'omwoyo ogw'okwenenya okw'amazima. Alisiba Sitani n'amagye g'ekizikiza byona nabisuula wabweru, natabakkiriza okuyingira ate. Jangu fanana omugenge oyo eyajja Yesu gyali namwegayirira nti, Mukama wange, bwoyagala, oyinza okunongoosa. Yesu namulongosa. (Mako 1:40,41). Naye bwoyongera okukakanyaza omutimagwo nokwagala ekizikiza okusinga omusana, tewalikusubira newakubade okubeerwa okulala, kubanga olonda okufa mu kifo ky'obulamu. Empeera y'ekibi kwekufa. (Bal. 6:23).

## EKIFANANYI EKY'OMUNAANA

Wano tulaba omuntu oyo anatera okufa. Yaddayo ennyuma natayanguwa kwenenya, naye alagaalaganya, omubirigwe gulumwa nyo, era n'omwoyogwe gujjude okutya, okufa nga kuyimiride ku mabbali g'ekitandakye. Newakubade omuntu ono teyalowoza era teyasubira okufa amangu bwatyo, kakano ategezebwa nti Ekiseera kituuse afe. Kakati eby'essanyu n'eby'obulimba biyisewo, era empeera y'ebibi ebyo eri mu maasoge. Ebibonyobonyo bya Geyena bimukwatako. Ayagala nyo okusaba naye kakano tayinza kussa kimu ne Katonda nakatono, kubanga edda yamugaana mu kiseera ekiwaanvu, era n'amugoba ng'anyooma obugagga bwobulungi bwe nobuwombeefu n'okugumikiriza kwe. (Bal. 2:4). Emikwanogye egy'edda kakano bamuleka kubanga batya okuyimirira ku mabbali g'ekitandakye eky'okufa, era ebigambo byabwe ebyerere eby'essanyu tebirina kyakumugasa mu kiseera kino. Obugagga bwe era, tebuyiinza kumuyamba mu bulamubwe, newakubade okumulokola, newakubade okumuwummuza oba okumusanyusa mu bibonobonobye. Sitani amuziyiriza dala n'atamukkiriza kufuna bbanga kussa mwoyogwe ku Katonda. Byona byonna ebyamusanyusanga edda, kakano birabika nga bimudduulira, era atandika okutegeera n'okukakasa nti, kigambo kyantiisa okugwa mu mikono gya Katonda omulamu. (Beb. 10:31).

Copyright ANGP



Copyright ANGP

**8. EMPERA Y'OMWONONYI**

Edda yasubira okulongoosa ebigambo bye ne Katonda ku lunaku lumu, mpozzi nga alwade, oba ekiseera eky'okufa bwekiriba kiri kumpi okutuuka, walibawo ebbanga okwenenya n'okulokoka, naye kakano ategeera nti, takyasobola kukikola, kubanga obudde bwamuyitako dda, kubanga Katonda yamuwanga bulijjo ebbanga ery'okwenenya, natalikozesa, nolwekyo, asanze nga Katonda ali wala, era takyasobola kumulaba, nemukufakwe ali bwomu awatali mubeezi. Nga akyaali mulamu, yagaana ekisa n'okwagala kwa Katonda, n'okuwulira eddoboozi lya Yesu Omulokoziwe, ng'amuyita, nti jjangu gyendi, ggwe akooye era azitowereddwa, nange nakuwumuza. (Mat. 11:25).


Kakano mu kifo ky'eddobozi ly'omulokozi, ajja kuwulira eddoboozi lyo Mulamuzi ng'agamba nti, vawo wendi, ggwe eyakolimirwa, ogende mu muliro ogutaggwaawo, ogwatekerwatekerwa Sitani ne bamalayikabe. (Mat. 25:41). Abantu bangi baffa okufa okwekikutuko, nebafira mubibi byabwe, nga tebalina bbanga kwenenya n'okulokoka. Kale, kitugwanira ffe ffena tunonyenga Mukama nga bwakyayinzika okulabika, n'okumukabirira nga bwakyali okumpi. (Isay. 55:6). Kubanga abantu baterekerwa okufa omulundi gumu, oluvanyuma lwakwo musango. (Beb. 9:27).

## EKIFANANYI EKY'OMWENDA

Mu kifananyi kino tulaba Omukristayo, eyetololeddwa n'emyoyo emibi, akemebwa enjuyi zonna, naye anywezebwa, era agumikiriza okutuusa enkomerero, kubanga ayinza okuwangula kubwooyo eyamwagala, ye Yesu, Omulokozi era Omuwanguziwe. Ayambudde buli ekizitowa n'ekibi ekyegatta naye, addukana okuwakana okutekeddwa mu masoge, ng'atunulira Yesu yekka, Omukulu w'okukkirizakwe era Omutukiriza wakwo. (Beb. 12:1,2).

Sitani n'eggyerye lyona yetoloola omutima ogw'omukristayo, ng'afubira bwerere okumukyamya omwana ono owa Katonda. Amalala n'okwagala ensimbi, n'obwenzi, n'ebibi ebirala bingi

Copyright ANGP




9. OMUTIMA OMUWANGUZI

birabika. Mu kifo ky'engo, kakati tulaba endogoyi, kubanga ekibi kifuuse ekyolubeerera mu ngeri ezitali zimu era nga kiyitibwa erinya eddala. Naye Omukristayo ono ategeera nga kye kibi, newakubade kirabika nga eky'eddini, oba nga Malayika ow'omusana, kubanga ekigambo kya Katonda era n'omwoyo ow'amazima, bombi bamulung'amya mu mazima gonna. Awamu n'ensolo tulaba omusajja azina ng'akutte ekikopo ky'omwenge mu mukonogwe, era ng'akema omukristayo n'ebyensi n'omubiri, naye takkiriza kukemebwa kubanga amaze okufira dala awamu ne Kristo eri ekibi, n'ensi n'omubiri, ne Sitani. Omusajja omulala alabika ng'afumita Omukristayo n'empiima. Ekyo kitegeeza nti, Abalabe ba Katonda, newakubade bayitibwa abakristayo, be bafumita emitima gy'abo abakkiriza ab'amazima ngabogera eby'okuvuma n'okulimba nokulopa nokuwayiriza. Naye Omukristayo ono ajjukira ebigambo bya Yesu, ng'agamba nti, mwe mulina omukisa bwebanabavumaanga, bwebanabayigganyaanga, bwebanabawayirizaanga, buli kigambo kibi, okubavunaanya nze. Musanyuke, mujaguze nyo, kubanga empera yamwe nyingi mugggulu: kubanga bwebatyo bwebayigganya banabbi abasooka mwe. (Matt. 5:12).

Ekibi, n'ensi n'omubiri ne Sitani, byona bimuteganya nyo, nga bifuba n'amanyi amangi enyo olw'okumwawukanya n'okwagala kwa Kristo, naye alina essanyu lingi nyo ng'agamba awamu ne Paulo nti, Ani alitwawukanya n'okwagala kwa Kristo? Kulaba naku, oba kulumwa, oba kuyigganyizibwa, oba njala, oba kuba bwerere, oba kabi, oba kitala? Naye mwebyo byona byona tuwangude n'okukirawo kubwoyo eyatwagala. (Bal. 8:35-37). Kubanga ayambalenga eby'okulwanyisa byona ebya Katonda, ayinza okuyimirira eri enkwe za Sitani n'okuwangula mu kukema kwona mu Yesu Kristo. Kubanga tetulina kabona asinga obukulu atayinza kulumirwa wamu naffe bunafu bwaffe; naye eyakemebwa mu byona bumu, awatali kibi. (Beb. 4:15). Kubanga olwokubonyabonyezebwa ye yenyini ng'akemebwa, kyava ayinza okubabeera abo abakemebwa. (Beb. 2:18). Alina omukisa agumikiriza okukemebwa; kubanga bwalimala okusiimibwa aliwebwa engule ey'obulamu. (Yok. 1:12).

Copyright ANGP

Emunyenye ey'omwoyo eyaka bulungi era emasamasa nnyo. Omutimagwe gujjudde n'omwoyo Omutukuvu. Malayika, kyekigambo kya Katonda, ng'alabika waggulu, nga amujjukiza ebyasubizibwa eby'omuwendo omungi, ebiwebwa abo abawangula ne bagumikiriza okutuuka kunkomerero.

Awangula ndimuwa okulya ku muti ogw'obulamu, oguli wakati mu Lusuku lwa Katonda. (Kub. 2:7). Awangula talirumwa nakatono kufa kwakubiri. (Kub. 2:11). Awangula ndi muwa ku manu eyakwekebwa, era kujjinja kuwandikidwako erinya eriggya, omuntu yena lyatamanyi wabula awebwa. (Kub. 2:17). Awangula nakwataanga ebikolwa byange okutuusa ku nkomerero, oyo ndimuwa n'omuggo ogw'ekyuma, gemaanyi. (Kub. 2:27). Bwaatyo awangula alyambazibwa engoye enjeru, sso sirisangula nakatono erinyalye mu kitabo ky'obulamu, era ndyatula erinyalye mu maso ga Kitange, ne mu maso gabamalayikabe. (Kub. 3:5). Awangula ndimufuula empagi mu Yekalu ya Katonda wange, sso talifuluma nate bweru. Awangula ndimuwa okutuula awamu naange ku ntebe yange ey'obwakabaka, era nga nange bwenawangula, nentuula wamu ne Kitange ku ntebeye. (Kub. 3:12,21).

Ensawo y'ensimbi esumuludwa kitulaga nti, ssi mutimagwe gwoka, naye era n'ensimbi aziwadeyo eri Katonda. Tasasanya nsimbize ku bintu by'ansi, naye agabira abaavu abetaaga, n'awaayo eri Katonda ekitundu eky'ekumi ekya byona byali nabyo, era abikozesa Katonda awebwa ekitibwa.

Omugaati n'ebyenyanja bitegeeza nti, mubulamubwe yegendereza, aleme okunnywa eby'okumutamiiza newakubade okulya emmere eteri nongoofu, tanywa taaba era agaana okukozesa eddagala ery'engeri embi eziyiinza okwonona obwongobwe n'amagezige kyokka alyenga emmere ennungi, enongoofu, entuufu, omubirigwe gulisibwe.

Omutimagwe gufuuka enyumba ey'okusabiramu era asoma mu Kanisa buli kiseera, natafaayo kungeri ey'obudde, newakubade bulungi oba bubi, era takkiriza mitawaanagye kumuziyiza. Alina

essanyu mu kusaba, oba mu Kanisa, enyumba ya Katonda ey'okusabiramu, oba awamu ne bagandabe mu maka gabwe, oba yekka mu kisengekye. Ategeera nti, Omukristayo tayinza kubera mulamu awatali kussa kimu na Katonda mu Kusaba.

Ekitabo ekibikkule kitegeeza nti, Baibuli ebikuliddwa eri ye, era bulijjo agisomamu nafumitiriza ebigambo ebiwandikiddwa muyo. Bwaatyo afuna amagezi n'obulamu n'amaanyi, n'omusana, n'obugagga obutayogerekeka. Ebigambo byayo ye tabaaza eri ebigerebye, n'omumusana eri ekubolye. (Zab. 119:105). Ekigambo kya Katonda kye kitala eky'obwoogi obubiri, era nekyo awangula omulabewe. Ate, gwemugati ogwa bulijo ogulisa omwoyogwe n'amazzi okuwonya enyontaye, era n'okumunaaza. Era yendabirwamu emulaga ekifananyikye, nga bwekiri mu maso ga Katonda.

Asanyukira nnyo okwetikka omusalabagwe, kubanga ategeera nti, oluvanyuma alitikkirwa engule ey'obulamu. Kubanga azukirira wamu ne Kristo, anonyeenga ebiri waggulu, ebitaggwaawo era ebitalabika. Kakano atekerwatekerwa okusisinkana Katonda awatali kutya, era afanana omuti ogwasimbibwa okumpi n'ensulo ey'amazzi, ogubala emmere yagwo mu ntuko zayo, era ettabi ly'omuzabbibu ogwamazima eribala ebibala ebingi, Katonda awebwe ekitibwa. Okufa tekulina kyakumutiisa, kubanga omutimagwe gujjude n'okwagala kwa Katonda, era temuli kutya mu kwagala okwo, kubanga okwagala okutukirivu kugobera okutya ebweru. (1 Yok. 4:18).

## EKIFANANYI EKY'EKUMI

Yesu agamba nti, Nze kuzukira n'obulamu; akkiriza nze, newakubade nga afude, aliba mulamu; nabuli muntu omulamu akkiriza nze talifa emirembe n'emirembe. (Yok. 11:25). Ddala dala mbagamba nti, awulira ekigambo kyange, nakkiriza oyo eyantuma, alina obulamu obutaggwaawo, sso talijja mu musango, naye ng'avudde mu kufa okutuuka mu bulamu. (Yok. 5:24). Omukristayo tabonyabonyezebwa nokutya okufa, kubanga

Copyright ANGP



Copyright ANGP

10. OKUGENDA MUGULU NOBUWANGUZI

okufa kumiridwa mu kuwangula. Ggwe okufa, okulumakwo kulirudawa? Gwe okufa, okuwangulakwo kulirudawa? Katonda yebazibwe, atuwanguza ffe kubwa Mukama waffe Yesu Kristo. (1 Kol. 15:54-57).

Omuntu eyatambulira awamu ne Katonda mu bulamubwe mu nsi eno, tatya okufa, naye yegomba ennyo okugenda okubeera ne Kristo, kubanga kwekusinga ennyo nyini. (Baf. 1:23). Era ayagala enyo okulaba Yesu, eyamufirira namununulira ku musalaba. Ajjukira ebigambo bya Yesu nti, omutima gwamwe tegweralikiriranga; mukkiriza Katonda, era nange munzikirize. Nze ngeenda okubatekeratekera ekifo, era ndikomawo nate nembatwala gyendi; nze gyendi, namwe mubere eyo. (Yok 14:1-4). Eriso byeritalabangako, n'okutu byekutawuliranga, nebitayingiranga mu mutima gwa muntu, byona Katonda byeyategekera abamwagala, n'abagobereranga Yesu mu bigerebye. (1 Kol. 2:9). Mu kifananyi kino tulaba Malayika, omubaka wa Katonda mu kifo ky'okufa, ng'alindirira, aweyo eri Katonda omwoyo ogw'Omukristayo ono eyaweebwa obutukirivu, bisumuluddwa okuva mu bisiba by'omubiri ne buli eri oyo amwagala.

Copyright ANGP

Aliyanirizibwa ne ssanyu mu maaso ga Katonda, ng'awulira Yesu, Mukamawe ngagamba nti, webale, oli muddu mulungi mwesigwa: yingira mu sanyu lya Mukamawo. Sitani tayinza kumufuga nakatono, kubanga okufa kwa batukuvube kwamuwendo mungi mu maso ga Mukama. (Mat. 25:21; Zab. 116:13). Nempulira eddobozi eriva mu ggulu nga lyogera nti, Wandika nti baweredwa omukisa abafu abafira mu Mukama waffe okutanula lero; wewawo bwayogera omwoyo, balyoke bawummule mu kutegana kwabwe; kubanga ebikolwa byabwe bigenda nabo. (Kub. 14:13).

Katonda akuyambe gwe, omusomi omwagalwa, owe yo mangu omutimagwo eri oyo akwagala, ng'ayogera nawe nti, mwana wange, mulenzi wange, oba muwala wange, mpa omutimagwo. (Ngero 23:26). Omutimagwo gukooye, gulumibwa, kubanga mubi, naye Katonda anakuwa omutima omuggya, n'omwoyo

omulongofu. Omutimagwo mulimba okusinga ebintu byona, era gulwade endwade etewonyezeka. (Yer. 17:9). Kale, leka okugoberera okwegomba kwagwo, kubanga eyesiga omutimagwe yemusirusiru. (Nger. 28:26). Leka ebibibyo, kwata obutukirivu, kubanga empera y'ekibi kwe kufa; naye ekirabo kya Katonda bwebulamu obutaggwaawo mu Kristo Yesu Mukama waffe. (Bal. 6:23).

Era nawe, eyamala okuwayo obulamubwo eri Katonda, nywezanga eky'okulabirako eky'ebigambo eby'obulamu byewawuliranga gyendi, mu kukkiriza ne mu kwagala okuli mu Kristo Yesu. Nga Paulo bwagamba nti, "Sikwatibwa nsonyi; kubanga mmanyi gwenakkiriza, nentegeerera dala ng'ayinza okukumanga kyenamuteresa okutuusa ku lunaku luli." (2 Tim. 1:12,13).

Kale, mwe, abagalwa, bwemwezimba ku kukkiriza kwamwe okutukuvu enyo, nga musaba mu mwoyo omutukuvu, mwekumeenga mu kwagala kwa Katonda, nga mulindiride okusasira kwa Mukama waffe Yesu Kristo olw'obulamu obutagwawo, nga mutunulira oyo nga lye kkubo, n'amazima n'obulamu, Mukama waffe ajja kukomawo mangu atwale gyali ababe beyatekeratekera ebifo byabwe, nga bweyagamba. (Yok. 14:2,3). Ye, alijja ne kitibwa kya kitawe ne bamalayika be; nalyoka asasula buli muntu nga bweyakola. (Mat. 16:27).

Copyright ANGP

Kale, wekumeenga ekiragiro awatali bbala, awatali kunenyezebwa, okutuusa ku kulabika kwa Mukama waffe Yesu Kristo: kwaliraga mu ntuuko zakwo nanyini buyinza yekka atenderezebwa, KABAKA wa BAKABAKA, era MUKAMA WABAMI, alina obutafa yeka, atuula mu kuera atalisalirwa musango. Obulamubwe n'omwoyogwe tangaala okutasemberekeka; omuntu yena kwatalabangako, so tewali ayinza okumulaba awebweenga ekitiibwa n'obuyinza obutaggwaawo. Amina.

Naye oyo ayinza okubakuuma obutesittala, nokubayimiriza mu maso ag'ekitibwa kye nga temulina bulema mu kujaguza,

Katonda omu yekka omulokozi waffe, kubwa Yesu Kristo Mukama waffe, awebweenga ekitiibwa, obukulu, amanyi n'obuyinza, edda nedda ng'emirembe n'emirembe teginabaawo, kakano era nemirembe egitaggwaawo. Amina. (Yuda 25).

Copyright ANGP

**A SPECIAL WORD FROM ANGP**

**UN MONDE SPÉCIAL DE L'ANGP**

**UMA PALAVRA ESPECIAL DA ANGP**

**This booklet "The Heart of Man" is available in over 538 languages and dialects spoken throughout the world (Africa, Asia, The Far East, South America, Europe, etc.) Our Heart Book is now also available on cell phones, tablets, etc from www.angp-hb.co.za or as an APP "Heart of Man" on Android phones.**

**Le livre du "Coeur de l'homme" peut etre obtenu en plus de 538 langues et dialectes parles dans le monde entier, a savoir: Afrique, Amerique, Asie, Extreme Orient, Europe. Notre Livre du Coeur est maintenant aussi disponible sur votre Telephone cellular, plaques, etc. de www.angp-hb.co.za ou comme une Application "Heart of Man" sur telephones Android.**

**Este livro "O Coracao do Homem" e obtído em mais de 538 linguas e dialectos falados em todo o mundo, a saber: (Africa, Asia, America do Sul, Extremo Oriente, Europa, etc). O nosso Livro O Coração do Homem tambem esta agora disponivel em telefone celular, tablets, etc. de www.angp-hb.co.za ou como um aplicativo "Heart of Man" nos telephones celulares Android.**

Copyright ANGP

**The 10 heart pictures contained in this booklet are also available in the form of large coloured picture charts (86 x 61cm) bound together in a set of 10 pictures. These "Heart Charts" can be obtained with European or African features and are particularly suitable to be used in conjunction with the Heart Book for class-teaching, open air evangelization etc. Kindly contact us to ascertain the latest subsidized price of this chart.**

**Les 10 images du coeur qui figurent dans ce livre peuvent etre obtenues en tableaux de couleur, format 86 x 61 cm, avec des physionomies europeennes ou africaines. Ils peuvent etre utilises en meme temps que le livre du coeur pour des classes bibliques, a**

l'ecole du dimanche ou lors de reunions de plein air. Soyez aimable de nous contacter pour assurer les derniers prix en cours du tableau.

As 10 imagens do coracao, contidas neste livro podem ser obtidas num conjunto de 10 imagens em colorido no tamanho de (86 x 61 cm). Estes "Cartazes do Coracao podem ser obtfdos com caracterfsticas Europeias e Africanas e podem ser usados em conjuncao com o mesmo livro em classes de ensino biblico, evangelizacao ou ao ar livre. Agradeciamos que nos contacta- se para confirmacao do ultimo preco dos cartazes.



Kindly write to us if you are able to assist us with further translations of our free Gospel literature, informing us of the language into which you could translate this Gospel literature. Your assistance would be appreciated.

Copyright ANGP

If you have found salvation in Christ, or have been otherwise blessed through our Gospel literature, please let us know. We would like to thank God with you, and remember you further in our prayers.

Nous vous invitons a nous contacter pour faire des arrangements concernant de nouvelles traductions de notre litterature, nous informant de la langue dans laquelle vous pouvez traduire cette litterature evangelique. Votre aide sera beaucoup appreciee.

Si vous avez trouve le salut en Christ ou si vous avez ete beni par notre litterature, nous vous prions de nous le faire savoir. Nous aimerions remercier Dieu avec vous et prier pour vous.

Nos vos convidamos a nos contactar, afim de fazer qualquer arranjo concernente a novas traducoes de nossa literatura em outras Ifnguas. Vossa assistencia sera muito apreciavel.

Se tem encontrado a salvacao em Cristo, ou se tem sido abencoado por intermedio da nossa literatura evangelica, faca o favor de nos

informar. Pois nos gostarfamos de agradecer a Deus juntamente convosco, e lembra-lo sempre em nossas oracoes.

For free Gospel literature, books and tracts in over 538 languages, write to:

Pour obtenir gratuitement de la litterature evangelique, des livres et des traites en plus de 538 langues, ecrivez a:

Para obter gratuftamente a literatura evangelica, livros e folhetos em mais de 538 lfnguas diferentes escreva para:

E-MAIL: info@angp-hb.co.za
info@angp.co.za

**ALL NATIONS GOSPEL PUBLISHERS**
**P.O. Box 2191**
**PRETORIA**
**0001**
**R.S.A.**

Copyright ANGP

A Gospel Literature Mission financed by donations
Une Mission de litterature evangelique financee de dons
Missao de literatura Evanqelica financiada por donativos

(Reg. No. 1961/001798/08)